# KCCA efunye obukadde 1200 okuyamba abanoonya emirimu


Abamu ku bavubuka abagenda okutendekebwa KCCA.

Bya BENON OJIAMBO

KCCA efunye akawumbi kamu n'obukadde 200 zigiyambe okuteekateeka n'okukwanaganya abavubuka abanoonya emirimu eri abo abanoonya abakozi.

Ssente zino zaaweereddwa KCCA okuva mu kitongole ekya Enabel n'omukago gwa Bulaaya (EU) ng'enteekateeka eno yatuukiddwaako ebitongole byombi, bwe byatadde emikono ku ndagaano y'enkolagana ku Lwokutaano lwa wiiki ewedde mu Kampala.

Mu nteekateeka eno, KCCA yaakutendeka abavubuka 1,200 mu bukugu obusookerwako ng'okukolagana n'abantu, okugonjoola ebizibu, okujja mu bifo ebipya, n'okukozesa obulungi obudde.

Abakugu bagamba nti, kino kyakuyamba abavubuka bano okutangaaza emikisa gyabwe okuweebwa emirimu. Ekirala, enteekateeka eno yaakuyamba okufunira abayizi 200 abatikkiddwa mu matendekero ag'enjawulo.

Kino kijjidde mu kiseera ng'ebitongole bingi biteeka amaanyi mu kugonjoola ebbula ly'emirimu naddala mu bavubuka, ekimu ku bizibu ebisinga okusoomooza Uganda.

Mu kiseera kino, abantu abasukka 70 ku 100 mu ggwanga bali wansi w'emyaka 30 ng'abavubuka obukadde 4.2 tebalina mirimu, buyigirize, oba okutendekebwa okumala okufuna emirimu.

Dayirekita wa KCCA, Hajjati Sharifah Buzeki yategeezezza nti, okusoomoozebwa kuno kwa maanyi naddala ng'enkumi n'enkumi z'abavubuka bayingira akatale k'abakozi buli mwaka, ne balwana okunoonya emikisa egya nnamaddala kyokka nga nagyo mitono ddala.

Akulira Enabel mu Uganda, Nicolas Debel yatenderezza enkolagana n'ekitongole kya KCCA nga bw'eruubirira okutangaaza ebiseera by'abavubuka eby'omu maaso.

Ate Sofian Dahmani nga ye yakiikiridde EU yategeezezza nti, baluubirira okuyimirizaawo enkola z'omutendera gw'ekibuga nga bateeka ssente mu ofiisi z'abakozi n'ebifo eby'obukugu. N'agamba nti, pulojekiti eno egenderera okulaba ng'ebitongole bya Gavumenti bifuna obusobozi okutuusa obuweereza nga pulojekiti ewedde.